# BAIBULI BYEYOGERA KU SSENTE

Omusomo gwa Baibuli guno gukuyamba okwetegereza Baibuli byesomesa ku bya ssente. Oyinza okusoma obwomu oba nga ekibiina. Wayo ekisera wetegereze okumanya nga bwosobola okukozesa by'oyise mu bulamu bwo ne mu buwereza bwo.

**Yannukula ebibuzo bino**. Okudibwamu ojja kukusanga amu byawandikibwa ebiweredwa. Okwongera okutegera soma ennyiriri ezetololela ku byawandikibwa ebyo.

1. Kiki ekituwonyeza ddala ebizibu (bya ssente) byonna? (Matayo 6:33; Lukka 12:33-34; 1 Timoseewo 6:17-19)

2. Kiki ekibawo bwetunonya ssente okusinga bwetunonya Katonda? (Omubuulizi 5:10-11; 1 Timoseewo 6:10; Matayo 6:24; Abakkolosaayi 3;5; Okuva 20:4-6)

3. Ekimu ekyekkumi kye kiki? Ani gwetulina okuwa ebimu ebyekkumi byaffe? (Olubereberye 28:22b; Malaki 3:8-12; Matayo 22:21)

4. Lwaki tulina okwewala okulya enguzi naye tusasule emisolo gyaffe? (Okuva 23:8; Engero 15:27; Matayo 22:17-22; Abaruumi 13:6-7)

5. Baibuli eyogera etya ku bbanja? (Abaruumi 13:8; Engero 22:7)

6. Baibuli eyogera etya ku kuyamba abaavu? (Ekyamateeka Olw'okubiri 15:10; Engero 19:17; Lukka 6:34-36; Lukka 12:33-34; 2 Abakkolinso 9:6-12; 1 Yokaana 3:17)

7. Baibuli egamba tusige tutya? (Lukka 8:1-3; Yakobo 5:1-4; 3 Yokaana 5-8)

8. Lwaki abakulila ekkanisa n'obuwereza batekeddwa okuwa ekimu ekyekkumi ku biwebwayo byebafunye? (Okubala 18:26-29; 1 Timoseewo 3:1-5)

Fumitiriza ku **Zabbuli 23:1**. Saba oyannukule Mukama ky'Akwoleseza mu Kigambo Kye.

## EBYOKUDDAMU: BAIBULI BYEYOGERA KU SSENTE

1. Kiki ekituwonyeza ddala ebizibu (bya ssente) byonna? (Matayo 6:33; Lukka 12:33-34; 1 Timoseewo 6:17-19)

   Bwotulembeza Yesu mu buli kyetukola; ne tumumufulila ddala Omukulembeze w'obulamu bwaffe Ajja tugabilira mu BYONNA byetwetaaga mu bulamu bunno ne mu bulamu obutagwawo.

2. Kiki ekibawo bwetunonya ssente okusinga bwetunonya Katonda? (Omubuulizi 5:10-11; 1 Timoseewo 6:10; Matayo 6:24; Abakkolosaayi 3;5; Okuva 20:4-6)

   Bwonoonya ssente ku lwa ssente zokka era n'ozifuna mu bungi zijja kukuletela enaku Bwonoziggulumiza okusinga Katonda kuba nga kusinza bifanaanyi.

3. Ekimu ekyekkumi kye kiki? Ani gwetulina okuwa ebimu ebyekkumi byaffe? (Olubereberye 28:22b; Malaki 3:8-12; Matayo 22:21)

   Ekitundu ekyekkumi ku makungula ggo n'enyingizayo (nga tonajjako misolo n'ezokozesa awaka) za Mukama.

4. Lwaki tulina okwewala okulya enguzi naye tusasule emisolo gyaffe? (Okuva 23:8; Engero 15:27; Matayo 22:17-22; Abaruumi 13:6-7)

   Tutekeddwa okusooka okwewayo eri Katonda n'okugondera amateeka g'ensi. Enguzi eyinza okutwalibwa nga ekintu ekya bulijjo mu nsi gyetulimu naye kikyaamu era ngeri ya bulimba na kuva ku mazima. Baibuli etugamba obutasaba oba obutawa nguzi. Katonda Atugamba kusasula misolo abakozi ba gavumenti basasulwe era basobole okutuwereza obulungi.

5. Baibuli eyogera etya ku bbanja? (Abaruumi 13:8; Engero 22:7)

   Bwetugwa mu mabbanja tweteeka ne mu busibe obw;omwoyo. Abantu batela okugwa mu mabanja nga tebawa kimu kya kkumi era nga bagula ebintu byebagala naye si byebetaaga. Omuntu bwabeela mu mabbanja amangi, omugaso ggwe n'essubi mu byo mu maaso liba tono era atandika obutalumililwa balala - asibirwa mu kwelarikilira; abera mukozi wa bbanja era muddu wa bamuwola.

6. Baibuli eyogera etya ku kuyamba abaavu? (Ekyamateeka Olw'okubiri 15:10; Engero 19:17; Lukka 6:34-36; Lukka 12:33-34; 2 Abakkolinso 9:6-12; 1 Yokaana 3:17)

   Baibuli etulagila okuyamba abanaku, okulumirwa abali mu bwetaavu, n;okuwola awatali kusuubila kusasulwa. Okuyamba abaavu kye kimu ku bikolwa byetuyinza okukola ebiriko amagoba agatagwawo. Engeri gyetuyisamu abaavu kye kimu ku bintu Yesu gy'Alisalila abakiriza omusango ku nkomerero. Katonda Alikusasula okw'okugabila abaavu! Ayinza obutakusasula na ssente. Oyinza obutagaggawala. Naye Ajjakuwa buli mukisa ogunakuyamba okutukkiriza okuyitibwa kwo, n'oyongera mu maaso okwolesa obwakaba bwa Katonda. Ajja kuddizaawo okusinga byogabila abali mu bwetaavu. Ajja kukakasa nti olina okusinga bwewetaaga okusobozesa okugabila abalala mu bungi. Bwonomukiriza, Katonda Akufuula omugga ogw'emikisa eri abalala kileete okwebaza n;okutendereza Katonda.

7. Baibuli egamba tusige tutya? (Lukka 8:1-3; Yakobo 5:1-4; 3 Yokaana 5-8)

   Tutekeddwa okuyamba abaavu n'abetaaga (nga bwetulabye waggulu). Yesu Yatulagira okutwala enjiri mu mawanga gonna (eri buli muntu) nga tubafula abayigirizwa n'okubabatiza bonna mu Linnya lya Kitaffe. N'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Buli ky'osiga mu mirimu gy'okubulira enjiri n'okukuza n;okukulakulanyai okukiriza kwa bantu mu Yesu kuliko empeera etaliggwawo eri bobulide ne gyoli ggwe! Bw'oba tosobola kugenda gwe, kale wagira abalala nga obakwana, nga obajjanjaba, nga obawa ssente oba nga obasabila.

8. Lwaki abakulila ekkanisa n'obuwereza batekeddwa okuwa ekimu ekyekkumi ku biwebwayo byebafunye? (Okubala 18:26-29; 1 Timoseewo 3:1-5)

   Abakulembeza bekkanisa n'abawereza Abakristayo betaaga okuwa eky'ekkumi ku nyingiza yabwe nabo; nga bwekiri eri ab'ebyenfuna, betaaga okutola ekimu ekyekkumi nga tebanatolako misolo okuva ku bimu ebyekkumi byonna n'ebiwebwayo byebaba baweredswa. Balina okuba ekyokulabirako eri ekkanisa era balina okuba abessimbu era aberufu mu nkola zonna ezikwatagana ku nsumbi. (balage embalira y'omwaka ey'ekkanisa eri abakiriza basobole obyekenenya).

**Esaala gy'oyinza okozesa olw'okwenenya obutawa kimu kya kkumi** [i]

Omwaggalwa Kitaffe ow'omu ggulu, nkikakasa nti buli kintu kyonna ku nsi ne mu ggulu Kikyo. Byonna byenina bibyo. Nebaaza olwa byonna by'Onesigisizza. Nkitegedde kati nti ekimu ekyekkumi kitukuvu era Kikyo. Nakuwadde nti sikuddiza kimu kya kkumi (**Malaki 3:8-12**). Olwa leero nenenya olw'okusigazza ekyo mu mazima ekikyo. Okuva olwa leero newaayo okuwanga ekimu ekyekkumi ku nyingiza yange mu bujjuvu. Olwekisa kyo nvaayo mu butasasula kimu kya kkumi mu bisera ebyayita. Webale Kitaffe nti Ekigambo kyo Kigamba nti Olina ekigendererwa eky'okunkulakulanya sso si bubi gyendi (**Yeremiya 29:11**) era nti onenya omuli ku lwange. Webale Taata. Nfuula omugga ogw'ebyenfuna ogw'omukisa eri abalala n'eri ebigendelerwa by'obwa Kabaka Bwo. Mu Linnya lya Mukama Waffe Yesu. Amiina.

[i] Clive Pick: The Revelation of Financial Review, 1998, New Wine Ministries.